ABAEBULANIYA ESSULA 13

Ekitabo ky'abaebulaniya kikutte ku bintu bingi ebikakali era mungeri nyingi kiringa ekinyonyola ekitabo eky'Abaleevi. Essula esembayo okusingira ddala yabikolwa, kubanga omuwandiisi azaamu abakiriza amaanyi nga abawandiikira okutambula ne Katonda munsi muno.

Ebizaamu amaanyi

1. Mweyongere okwagalana nga ab'oluganda. Watera okubaawo ekikemo ky'okweyagaliza ffeka na ffeka naye nga abakiriza tulina okutukiriranga baganda baffe mubiri gwa Kristo.
2. Okufaayo. Abakristayo abasooka bali baaniriza nnyo abagenyi naye mubiseera by'okuyiganyizibwa n'okunyigirizibwa kyaali kitegerekeka bulungi bwe baatandika okwekengera. Naye ate bwe tugulawo amaka gaffe eri abo abeetaga obuyambi kisobola okuggulawo olugi eri bamalayika okutukyalira.

Abasibe ba Kristo

Obuwereza bwa makomera bukulu kyansuso era abo abayiganyizibwa tebalina kwerabirwa.

Obufumbo

Obufumbo bw'ekikristayo bubadenga mu buzibu naye awali ennono zaffe nebitwetolode empisa z'ekikristaayo zirina okunywezebwa n'amaanyi. Tewalina kuba kyekwaaso kyabwenzi oba obukaba era ekkanisa erina okuba eky'okulabirako eky'obutukuvu mu bufumbo.

Endowooza ku ssente

Abakristayo ba sabibwa okwewala okubeera nga bafugibwa ssente. Okwagala ssente y'ensibuko y'ebibi ebingi. Ng'abakristaayo tulina okubeera abamatira nekyo kyetulina, nga tulina obuvumu nti Katonda talituleka so talitwaabulira era nga Mukama y'emuyambi waffe. Ye ajjakutugabirira ekyo abantu kye bayinza okutukolera.

Ekigambo eri abakulembeze

Abakulembeze balina okussibwaamu ekitiibwa, bebaaleeta ekigambo kya Katonda gyetuli era abakulembeze abalungi babeera ekyo kyeboogera era nga bwebakibulira. Okugoberera eky'okulabirako ekyo kikulu nnyo.

Yesu Kristo Mukama

Omuwandiisi akaatiriza nate enjawulo eri mu ssadaaka eyawebwaayo eya Kristo. Ayanjula Kristo ng'olwaazi lwaffe, oyo era kwetusobola okuzimba obuvumu bwaffe.

Kino kiri bwekiti kubanga Kristo takyuka. Yesu gwetusoma mu byawandiikibwa , Yesu gwetulaba leero era Yesu gwe tulimanya emirembe nemirembe Yesu y'omu. Obuvumu bwaffe bwesigamizidwa ddala kwekyo kyeyatukolera ku musalaba. Tetulina kulimbibwa nabyabusamize naye tutunulire Yesu eyafulumizibwa wabweru w'ekibuga kya Yerusalemi n'akomererwa kulwaffe. Tuyitibwa okujja eri Kristo nga tumwesiga ajja kutusonyiwa ebibi byaffe kati era atutwaale mubulamu obw'oluberera okumunyumirwa olubeerera. Tusiinza Yesu nga bwetulaga okusiima kwaffe gyali era tufaayo neri banaffe ab'omubiri gwa Kristo.

Ekigambo ekilala eri abakulembeze

Tulina okwesiga abo abawereddwa obuvunanyizibwa obwokutulabirira era tulina okukitegeera nti abakulembeze balina akwanukula eri Katonda ku bukulembeze bwabwe nengeri gyebeyisaamu nombiri gwa Kristo. Beetaaga obuwagizi bwaffe n'okubazaamu amaanyi kubanga kino kijja kubanyweza okuwereza Kristo naffe, n'obuteralikirira nnyo.

Emmaliriza

Enyiriri zino, olwa 20 ne 21 bigambo birungi ddala ebiwa omukisa n'obukakafu, nga bissa essira ku katonda ow'emirembe; omusaayi gwa Yesu, oyo eyazuukira, omusumba ow'amaanyi ow'endiga, nga ye wuuyo asobola okutuwa ebikozesebwa okusobola okukola omulimu gwa Katonda. Abasomi ba Baibuli tebekakasa bulungi ani eyawandiika ebbaluwa eno naye essuula eno esembayo yefaananyiriza nnyo engeri Pawulo gyawandikamu. Okuyayana kwa Pawulo okubeera n'abakiriza n'engeri gyayogera ku Timosewo n'okulamusa kwe, byona wamu bifaanana ebyo byenyini ebya Pawulo omutume. Awatali kubuusabuusa kwona, Pawulo lubeerera yalungamyanga abantu okugoberera Kristo era ebbaluwa eno ekomekerezebwa bulungi nga elungamya abantu okugoberera Kristo.

Ensonga ez'okulowoozako

1. Kinakimu, tunuulira buli ekituzamu amanyi era ofumiitirize engeri gyetuyinza okubiteka munkola mu bulamu bwaffe n'eri ekkanisa.
2. Waliwo eby'okulabirako bingi eri abakulembeze. Abantu abatukulembera tubakwata tutya? Tusobola tutya okwanukula obulungi abo abatukulembera mu Kkanisa?
3. Tusobola tutya okuganyulwa mu ekyo Yesu kyeyatukolera ku musaalaba?
4. Twetaaga okusabirigana okuyita mu bibambo ebiri mu nyiriri zino, olwa 20 ne 21. Katundu ki mu nnyiriri zino akakukomako ennyo?

Mukama abawe omukisa.

***Nze Rev. Richard ne Elaine Brunton*.**